
# Omukazi asse bbebi we ow'emyaka 3

Bya STUART YIGA


Owa famire ng'ali ne bbebi eyattiddwa.

POLIISI e Nateete mu Lubaga ekutte n'eggalira omukazi eyasozze omwana we ow'emyaka esatu ekiso mu bulago n'amutta.

Bbebi eyattiddwa yategeerekese nga Neila Ayongeirwe. Omwogezi wa poliisi mu Kampala n'emiriraano, Rachael Kawala, yategeezezza nti, Shivan Aine, 24, ye yakwatiddwa nti kyokka, baamusanze n'ekiwundu mu bulago nga kiteeberezebwa nti naye yabadde agezaako okwetta.

Muliraanwa waabwe, Mercy Mukisa, yategeezezza Bukedde, nti nga yaakamala okutta bbebi, Aine yamukubidde essimu, ng'agamba nti, "Temuntaasa n'omwana wange tufudde!" Mukisa yagenze ku luggi n'alusindika n'asanga omwana ng'amubisse mu buliri nga yeevuunise. Yamubuuzizza bba gy'ali n'amuddamu nti amukubidde essimu ng'eri bbize.

Kitaawe w'omwana, Dickson Bakwatanisa, agamba nti, amawulire g'okuttibwa kwa bbebi we gaamusanze ku mulimu gy'akolera e Kazo ku kalwaliro ka Jordan Clinic, oluvannyuma lw'okumukubira essimu n'akomawo awaka ku ssaawa 10:00 nga bukya.

Yagasseeko nti, mukyalawe wa bbuba nga buli kiseera amuteebereza okubeera mu bwenzi, era nga buli lw'amulaba ku ssimu, oba n'agikubako n'eraga nti alina gw'ayogera naye ng'anyiiga. Omulambo gwa bbebi gwatwaliddwa mu disitulikiti y'e Ibanda, okuziikibwa.